

**21<sup>st</sup> October 2018.**

## **EKITIIBWA KY'OBUFUMBO.**

### **Abaebbulaniya 13:4.**

“Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna, n'ekitanda kirongoofu; kubanga abakaba n'abenzi Katonda alibasalira omusango.”

Mu ssuula yaffe ekomekkereza ebbaluwa eri Abaebbulaniya, essuula ey'ekuminassatu, tuzze tulaba okubuulirirwa eri obweetaavu bw'empisa ezigwaanidde abo abakkiririza era abeesiga Mukama Yesu Kristo ng'omulokozi era Katonda waabwe. Era mu ntandikwa mwe twaakalaba abuulirira ku kwagalana ng'oyo eyandisosowazza etteeka erimu Mukama waffe Yesu Kristo lye yatulekera ng'abayigirizwa be mu Yokaana 13:34,35... “Mbawa ekiragiyo ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala. Bwe munaayagalananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange.”

Tulaba leero nti yajjayo obukulu bw'obufumbo, entabagana essukkulumya okwagala mu bantu, era omusibuka okumanya n'okutegeera okwagalana okwannamaddala, kubanga Mukama Katonda Kitaffe ye yabutongoza ng'ekikulu mu ntandikwa ya byonna, mu lubereberye bwe yagatta omusajja n'omukazi n'abawa omukisa bale, bajjuze ensi, bagifugenga. Ne Yesu Kristo n'alaga obufumbo ekitiibwa bwe yabeera ku mbaga kwe yasookera okkola ekyamagero eky'omulujjudde. Era n'Omwoyo Omutukuvu n'aba ng'abusaaamu ekitiibwa bw'abugeraageranya n'entabagana ya Kristo naffe Ekkanisa mu byawandiikibwa ebiwerako.

Obufumbo kye kki?..... [Definition.....]

Tuli mu mirembe obufumbo mwe bufunye obulumbaganyi obuyitirivu okuva eri Sitaani n'obwakabaka bw'ekizikiza, okubuweebuula, okubutyoooola, obbumalamu ensa, n'okuzikiriza amaanyi g'obufumbo mu ngeri nnyingi nnyo. Ne kiba nti ne mu kkanisa omwandibadde obuwanirizi bwaabwo obusinga olw'ebiragiyo bya Mukama okuba nti bisomesebwa mu byawandiikibwa, ssi bwe kiri. Kuba ne mu beeyita abakkiriza abagoberezi abaweereza era abaana ba Mukama, obufumbo tebukyaabalwa nga bwa kitiibwa, nga bwe tulaba ebiro bino. N'omwoyo Omutukuvu yalabula mu I Tim. 4:1, 3a.....

Kye kitubeesezza n’omulamwa omukulu gw’enkomekkerezo z’omwaka guno mu Kibiina ky’abafumbo wano ku Calvary “Okuziyiza okwaawukana n’okugattululwa” – “Avoiding separation and divorce”.

Mukama assa nnyo ekitiibwa mu bufumbo, era tumanyi nti wadde ensi ebuweebuula, obufumbo obutukuvu obujjudde omukwano n’okubaza ebibala by’obutuukirivu bweyagaza era bwesiimisibwa buli omu omutegeevu obulungi.

Tumanyi nti n’ebifo by’obuvunaanyizibwa kitwaalwa nti bigwaanidde abo abafumbo obutuufu, ng’era ne mu byawandiikibwa bwe kirambikibwa [I Tim. 3:2; Tito 1:5,6].

Mu Malaki 2:14-16 tubuulirwa ku mbeera enkyaamu Mukama gye yali avumirira mu Bakabona ba Yuda, ekyamubakyaayisa n’obutafaayo eri saddaaka zaabwe.....

Fenna kitugwaanira okweekuumanga mu myoyo, tubeerenga beesigwa.

Y’engeri gye tussaamu obufumbo ekitiibwa ekibugwaanidde.

Ekirala, obufumbo buba bwa kitiibwa omwami/omusajja mwabeera omutwe, oba omukulembeze okusenziira ku byawandiikibwa, naye kennyini n’assa ekitiibwa mu buvunaanyizibwa bwe, okusinga bwanoonya ekitiibwa okumuweebwa nga n’okumugwaana tekimugwaana....

Paulo yakitubuulira nti “Nammwe abasajja mwagalenga bakazi bammwe nga Kristo bwe yayagala Ekkanisa ne yeewaayo ku lwaayo....” [Abaefeso 5:25,28....].

Ate Peetero agamba mu I Pet. 3:7.....

N’era obufumbo buba bwa kitiibwa omukyala/omukazi mwabeera nga assaamu bba ekitiibwa era ng’amugondera amuwuliriza. [Abaefeso 5:33, I Pet. 3:1.....]

N’okkwaatira awamu Peetero awunzika agamba mu Inny.8,9.....

Ebyo bisookerwa mu bufumbo ne byeyongerwa ne mu ntabagana endala zonna.

Obufumbo bubeera bwa kitiibwa abafumbo mwe batuukirizagana eby’obufumbo bombi eri munne, nga bwe tubuulirirwa mu I Abakk.7:3,4.....

Obutassa kitiibwa mu bufumbo kireetera okusalwa kw’omusango era ne gubasinga bonna abeetaba mu by’obukaba n’obwenzi nga bwe tugambwa mu lunnyiriri lwaffe leero.....

Mukama alina omutindo gw’obutuukirivu gwatweetaaza fenna abamukkiririzaamu;

